# OKUZZA ABAYIZI KU

BYA LAWRENCE KIZITO, VIVIEN NAKITENDE, SAMUEL BALAGADDE, ne SAMSON SSEMAKADDE

OLUSOMA lwa ttaamu esooka ey'omwaka guno 2026 lutandika nkya ku Lwokubiri nga February 10, 2026, naye amasomero gongedde okumyumyula mu bukwakkulizo bwago, okukkiriza omuyizi yenna okugayingira.

Amasomero ag'amaanyi mu Kampala n'emiriraano *Bukedde* gye yatuuse ng'ekola okunoonyereza, yazudde nga mangi gaalagidde abazadde okuleeta abaana enkya nga bamazeeyo ffiizi zonna n'ebyetaago by'essomero.

Agamu gaagala ebyetaago byonna nga bisasuddwa naye nga ku ffiizi osasuddeko ebitundu 50 ku 100. Wabula ekyewuunyisa, ebyetaago mu masomero agamu ge twatuuseemu bisinga ffiizi okubeera waggulu, ate nga baagala omuzadde abisasule mu ssente enkalu, lyo essomero libyegulire.

Abazadde baasabye Gavumenti eveeyo ekome ku masomero agasusse okubabinika ffiizi ennyingi n'ebyetaago ebisusse naddala mu masomero ag'obwannannyini n'agamu ku ga Gavumenti.

## EBYETAAGO BISUSSE

Ab'amasomero abamu baalaba okwongeza ffiizi kikaabya abazadde, ne bayiiya akakodyo k'okwongeza ku byetaago omuyizi by'alina okutwala. Enkalala z'ebyetaago *Bukedde* ze yakuŋŋaanyizza okuva mu masomero ag'enjawulo, kuliko ssente ezisabibwa abazadde nga zaawuddwaamu emirundi ng'esatu naye nga zonna zandibadde zikola ekintu kye kimu.

Ekyokulabirako, mu byetaago bye basaba mulimu ssente ze baatuuma *'Development fee'* nga za kukulaakulanya ssomero ate n'osangako ne *'building fund'* ez'okuzimba!

Ekisinga okuluma abazadde, amasomero gano ga bwannannyini kyokka ssente ezizimba ebizimbe byago essomero lizikanda bo. Ssinga nnannyini ssomero avaawo, abalisikidde bayinza okuggyawo essomero ne bakoleramu bizinensi endala, mu bizimbe ebyazimbibwa abazadde!

## SSENTE ZE BAPEEKA Z'ABAZADDE

Waliwo essomero eryewuunyisa, nga mu byetaago byalyo mulimu ssente za 'Development Project' 15,000/-, eza Multi-Purpose Block 30,000/-, ate era ne basaba n'akasawo ka sseminti ka 35,000/-! Emitwalo munaana gyonna awamu nga gigenda ku kintu kimu, ate buli ttaamu.

Ku ssomero lye limu, ebyetaago biggweera mu 315,000/-, n'ogattako yunifoomu ya 330,000/- ku bali mu S1 - S4, ate 340,000/- ku bali mu S5 ne S6. Bw'omala eyo entujjo, ng'ogenda ku yoleke wa ffiizi wa 895,000/- buli ttaamu.

Waliwo ne ssente ze twasanze ku nkalala z'ebyetaago ezisinga obungi, nga zaakugula bbaasi y'essomero. Abamu basaba 100,000/- ate abalala 200,000/-. Kyokka abazadde beemulugunyizza nti bbaasi ne bw'egulibwa, ssente zino zisigalawo naye ne bazikyusa erinnya!

Ate abamu baaleese enkola ng'ebitabo n'ebikozesebwa mu kusoma ebirala balina kubigula ku masomero, nti bo be bamanyi ebitabo byabwe bye beetaaga.

Waliwo n'akakodyo aka yunifoomu, ng'amasomero gasaba abazadde ssente eziri wakati 300,000/= ne 600,000/= ate awamu zisingawo. Zino z'osooka nga tonnasasula buwanana bwa ffiizi. Kyokka mu masomero agamu buli mwaka bakyusa langi ya yunifoomu ekitegeeza nti omuzadde ateekwa okugula yunifoomu buli mwaka. Ssente z'okwewandiisa okukola ebibuuzo eby'akamalirizo ebya UNEB mu P.7, S.4 ne S.6, wadde nga UNEB esaba ssente ntono, ab'amasomero babinise abazadde ssente mpitirivu eriyo n'amasomero agasabye 400,000/- okuwandiisa abayizi!

Okulambula (Trips) abasomesa bakusabirako ssente nnyingi ate oluusi eŋŋendo zino bazisussa ne weesanga nga mu ttaamu emu abayizi balambula emirundi esatu.

Ssente z'okuwuga, basaba wakati wa 5,000/- ku 10,000/- buli wiiki omwana okuwuga, kyokka gye babatwala okuwuga bwe twatuuseeyo, mu bifo ebimu nga basasulayo 2,000/- ku 3,000/-.

Ssente z'obweyamo (commitment fee) naddala mu masomero ag'amaanyi, weesanga ng'omuzadde bamusasuzza 900,000/- kyokka tebazimuddiza, mbu ze ziraga nti mwetegefu okusasulanga fiizi.

Waliwo amasomero nga bw'otwalayo omwana, alina okuba n'akatebe ka pulasitiika, ekintu eky'obuwaze kuba bano batera okuba n'emikolo era buno babukozesa mu weema ze baba batuddemu. Obutebe buno butera kugula 25,000/- wabula ssinga oba tosobodde kukagula, oyinza okubatwalira ssente. Wabula tokkirizibwa kukateekako mannya ga mwana wo oba okukalamba.

## ABATUNDA EBYETAAGO BY'ABAYIZI KU MASOMERO BALI KU MUGANO

Amasomero naddala agà pulayimale ge twatuuseeko, twazudde ng'agamu galina akakodyo k'okutunda ebintu ku ssomero, okugeza ensawo. Zino baziteekako akabonero k'essomero era omuyizi atagirina tayingira. Kyokka ensawo y'emu mu kibuga bw'oba osobola okugifuna ku 25,000/-, ku ssomero ogifunira ku 50,000/-!

## OKUBAGUZA OBUTABO:

Mu nnassale, waliwo amasomero